# Abasuubuzi mu butale bw'oku Kaleerwe batumye Hajjati Namyalo ewa Museveni ku ssente za Katale Looni

BYA JOSEPH MUTEBI

JOSEPH MUTEBI



Hajjati Namyalo (akutte omuzindaalo) ng'ayogera eri abasuubuzi b'oku Kaleerwe.

ABASUUBUZI b'omu butale bw'oku Kaleerwe batumye Hajjati Hadijah Namyalo ewa Pulezidenti Museveni nti, mu kisanja kino ekipya bw'amala okulayira ayongere ku ssente mu nkola ya Katale Looni.

"Nnyabo Hajjati Namyalo tukimanyi bulungi nti, ewa Pulezidenti Museveni tokonkona kuba ggwe akulira ofiisi ye eya ssentebe wa NRM mu ggwanga, tusaba omugambe atwongere ku ssente mu nkola ya Katale Looni kuba abakyala be basinga obungi mu butale ate abasajja baabasuulira dda obuvunaanyizibwa," Abasuubuzi abakolera mu butale bw'oku Kaleerwe abasoba mu 10,000 bwe baategeezezza Namyalo.

Jesicca Namuleme, atunda ennyaanya ku Kaleerwe mu katale ka Bivamuntuuyo baategeezezza Namyalo nti, Kaleerwe abantu abayita ku kkubo balowooza nti, tulinawo akatale kamu kyokka nga buwera 23 nga musingamu bakyala abakola ebitudu 83 ku 100. Abasuubuzi bagamba nti, baafuna essanyu nga Museveni aleese enkola ya Katale Looni mu 2025 ne bamanya nti, kiwedde kyokka ssente zajja ntono.

Bino abasuubuzi abaakulembeddwa bassentebe baabwe mu butale buno ne RCC wa Kawempe, Lukka Kagenyi n'omumyuka we Sanyu Jennifer Nassimbwa baabitegeezeza Namyalo bwe baabadde balongoosa akatale k'oku Kaleerwe nga beenyigidde mu kwera, okugogola emyala nga beetegekera okulayira kwa Pulezidenti Museveni okugenda okubeerawo ku kisaawe e Kololo enkya ne bakunga abantu okubeerayo mu bungi.

Namyalo yategeezezza abasuubuzi bano nti, Museveni oluusi tamanya biruma Bannayuganda okwetooloola eggwanga lyonna ng'abantu be tebamutuusaako mawulire naye akageri gye mwogedde ekya Katale Looni wabula nga ofiisi yange si yeekola ku nsonga zino, nsaba mujje e Kololo ng'alayira ensonga zino zimutegeezebwe.

"Nsaba mwenna abaalonda Museveni abakolera ku Kaleerwe n'abo abataamulonda okwetooloola eggwanga mubeereyo e Kololo ku Lwokubiri tulage ensi ekifaananyi nti, ono ye mukulembeze waffe abangi gwe baalonda okuddamu okutwala Uganda mu maaso eyawangula akalulu ka 2026 ku bitundu 71.6 ku 100," Namyalo bwe yategeezezza.

RCC Kagenyi yagambye nti, yabadde tayinza butabeerawo ne Town Clerk we Geoffrey Kyakabaale okuwerekerako Hajjati Namyalo nga balongoosa akatale. Yagambye nti, okutandika nga May 12, 2026 nga Museveni amaze okuddamu okulayira, abasuubuzi bano balina okwenyigira mu nkola za Gavumenti zonna ez'okwekulaakulanya omuli; Katale Looni, Emyooga, PDM, Grow n'endala ze yabatandikirawo okulaba nga balwanyisa obwavu mu maka.

Yagambye nti, Kaleerwe alina abasuubuzi abasukka mu 20,000 abakoleramu buli lunaku mu ssaawa ez'enjawulo mu butale 23 obulimu okuli Bivamuntuyo akakulelmberwa Godfrey Luyombya, Modern market akakulemberwa Abas Ssekanjako, Kizito Market- Debrah Namutebi, Kajubi Market- William Ssenteza, aka Namisango market n'obulala.

## Kawuki abawabudde

Bya TEOPISTA NAKAMYA NE AMINAH SHAKIRAH NALUGO



MINISITA wa Gavumenti ez'ebitundu mu Buganda, Joseph Kawuki akuutidde ababaka ba Palamenti ey'e 12 abalinze okulayira abagenda okwegatta ku kabondo k'ababaka abava mu Buganda (Buganda Caucus) obutakulembeza bibiina mwe bava wabula obumu okusobola okuweereza Obuganda.

Okwogera ebyo, kiddiridde ababaka bano okweyuliza mu maaso ge nga bali ku Hotel Africana okubangulwa n'okulung'amizibwa ku buvunaanyizibwa obubalindiridde n'ensonga za Buganda.

Omubaka Joseph Gonzaga Ssewungu (Kalungu West) yagambye nti, wadde babadde baweereza naye babadde tebali bumu nga mu bbo mulimu ababadde bawakanya ssentebe w'akabondo kano Muwanga Kivumbi (Butambala) olw'okuba ava mu NUP. Yabanokoddeyo ate nga nabo baabaddewo nga bakulembeddwa Robert Migadde Ndugwa (Buvuma) nti, baatondawo akabondo akaabwe ng'aba NRM. Omubaka omulonde owa Mawokota South, Susan Nakawuki yateesezza nti, kyandibadde kirungi ne bakulembeza ensonga za Buganda so si bibiina buli omu mw'ava.

Kawuki **(waggulu)** yabakubirizza okukulembeza obumu ebibiina by'obufuzi bireme okubamalamu kuba balina bingi ebibagatta okusinga ebibaawula.